OBUBAKA BWA SSEKUKKULU (2018) ERI EGGWANGA

METROPOLITAN JONAH LWANGA
UGANDA ORTHODOX CHURCH

Abooluganda abaagalwa

Abawuliriza / abatunuulira

Kristo Kigambo wa Katonda Kitaffe azaaliddwa, okuva mu Mwoyo Mutuukirivu ne Maria Embeerera! Mt 1:20, 21. Lk 2:6,7. Kulw' obulokozi bw'olulyo lw'abantu, wamu n'obutonde bwonna, okuva mu kuzikirira okw'ebibi. Ac 4:12. 1 Th 5:9. Ekisoko kino, eky' okuntuwala kwa Kigambo wa Katonda, kulw' obukekkereze bw'obutonde bwonna, lwe ludda lw'eggwulire eddungi (gospel) olusooka mu Ndagaano Empya. Naye nga, eggwulire lyonna eddungi mu bujjuvu bwalyo, liggwaayo na ggwulire lya kuzuukira kw' Omwana wa' Omuntu. Ro 1:3,4. Olwekyo, okuntuwala kwa Kigambo mu Krisito Yesu, Jn 1:14, 29, okuggyawo ebibi by'okuzikirira, 1 Cor 15:26, n'okusukka amagombe mu ttendo ly'okuzuukira, lye ggwulire erijjuvu eddungi eri abantu bonna, kulw'obutebenkevu bw'ebitonde byonna, ne Yuganda nga teyawuliddwako. 2 Cor 6:16.

Okuva lwe tuli ebitonde bya Katonda, nga tulamira ku kutuukiriza kyetaago kye, embeera gye tuwammanta, embeera gye tunoonya nga abantu balamu era gye twandyagadde tutuukeko fenna, teri bweru wa mulimu gwa Kristo Kigambo, wabula eri munda waagwo. Omulimu ogwo gwe guluwa? Omulimu ogwo gwe gw'okuzimba Obwakabaka bwa Katonda mu myoyo gy'abantu ne ku nsi yonna, mu bulamu ne mu bugunjufu bwabwe. Ekyo kye Kyetaago kya Katonda kitaffe ekikulu kye tulamirako nga abantubalamu. Mt 4:16, 17. Mk 1:14,15. Lk 4:16-19. Mu Kristo, nga Kigambo wa Katonda, ebitonde byonna mwe byakolerwa, era mu ye ebintu byonna ebikolebwa n' abantu mwe bitegeerekekera, oba mwe binywerera okuba

ebitondekeddwawo. Jn 1:3-5. Col 1:15-17. Era, eyo ye mbeera gye tunoonya fenna okulamirako, embeera y'ekyetaago kya Katonda Kitaffe, okutondera omuntu mu bufaanane bwe ye. Gn 1:26.

Okusinziira mu kkowe eryo, bwe kiba kyamazima nti, okuntuwala kwa Mukama waffe Yesu Kristo kuluubirira kuvumbagiza bulamu na bugunjufu bwaffe mu bwakabaka bwa Katonda Kitaffe, nga ne mu Biwandiike ebitukuvu byonna, ekyetaago kye ekikulu bwe kiri; kyeraga bwerazi nti, wano ewaffe mu Afrika naddala mu Yuganda, tukyalina ekibululu kikwafu mu Bukristo bwaffe. Jn 1: 4-5. Kubanga amazima ago tegannategeerekeka bulungi eri abantu abasinga obungi, si ku mutindo ogusooka wansi gwokka, naye ne ku mutindo ogusembayo waggulu. Eyo ye nsonga lwaki, ebyobukulembeze byaffe byonna, ebyobusuubuzi, ebyenfuna, ebyentabagana n'ebyenjigiriza, bikontana wakati waabyo era bikuubagana byokka na byokka. Byonna bino tebiyinza kuluŋamizibwa watali Kigambo wa Katonda omutondekesi, Kabaka w'obulamu n'obugunjufu bwaffe. Col 1:19-20. Omuteeru guno gwe guleeta Kristo Yesu, nga Omwana w'Omuntu, Dan 7:13. Mt 12:8, okussaawo omusingi gw'abantu abaliwo mu ngeri oba mu bufaanane bwa Katonda, abantu abalamira era abatambulira mu kyetaago kya Katonda, abantu abeetabu mu Bwakabaka bwa Katonda obutaggwaawao.

Olwekyo abooluganda, ku Ssekukkulu eno leka tunoonye embeera y'essanyu ettuufu mu kuntuwala wa Kigambo Omwana wa Katonda Kitaffe. Lino essanyu lye ly'okuvumbula, okwekaliriza n' okulama obulokozi obuleetebwa Yesu Kristo ku nsi mu bujjuvu bwabwo, so si mu kitundutundu. Kubanga, newankubadde nti kirungi nnyo okufuna obulokozi ekinnamunigina, okulokolebwa nze nga nze ku bwange, naawe nga ggwe ku bubwo, ekyo si kye kigendererwa kyokka eky'okuzaalibwa kwa Kigambo nga Omwana w'Omuntu mu Yesu Kristo. Okuggirawo ddala ebibi

n'ebivve ku nsi Jn 1:29, okulwanyisa omubi Sitaani n'emirimu gye emyekiifu mu kyetaago kya Katonda Jn 8:41, 44; okusambajja "Kufa" Is 25:8,9; 2 Tim 1:10 n'okwambala obutafa, mu kwambala ekikula kya Kristo Yesu ne Mwoyo Mutuukirivu, Ro 2:7; 1Cor 15:53, 54; ko n'okuluŋamya obubbufu oba obugunjufu bw'abantu mu nsi (buleme kuzikiriza butonde). Ro 8: 20-23; Col 1:19-23. Bwonna obwo bulokozi obuleetebwa Kigambo Omwana wa Katonda eri abantu. Ebitundtundu by'obulokozi ebyo byonna bwe tutabissaako mulaka, ne tudda mu kukuba gudiigudde, olw' okulokolebwa kwaffe ekinnamunigina, olwo tuba nga eggwulire ly' okuntuwala kw' Omwana wa Kwatonda telulitegedde era tetulirama mu bujjuvu bwalyo, okuggyako akatundu akatono ennyo ako, akatakyusa mbeera mu nsi.

Nga bwe tukomekkereza obubaka buno, twagaliza Oweekitiibwa President Yoweri Kaguta Museveni, n'aboomu maka ge bonna, Oweekitiibwa Vice President Edward Kiwanuka Sekandi, Bannamateeka, Baminista, Bammemba ba Paalamenti, Ssaabasajja Kabaka wa Buganda Ronald Muwenda Mutebi II, Nnaabagereka Silivia, n'Abakulembeze Abensikirano bonna; Abakulembeze Abenzikiriza, era ne Bannayuganda bonna; okuntuwala kwa Kigambo wa Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo, kwe kugamba Amazaalibwa ge nga Omwana w'Omuntu atuukiridde, kulw'Obulokozi bw'olulyo lw'Abantu n'obutonde bwonna okuva mu kuzikirira; bibeere bya Mbaga etusobozesa fenna Abakkiriza abakristo okujaganya ennyo, nga bwe tutegeera mubujjuvu n'ensonga eno eyaleeta Kigambo wa Katonda ku nsi. Amiina.